
# Yesu yayogera ki ku Yerusaalemi, Okujja kwe okw'okubiri n'enkomerero y'ensi?



**Tuyiga ki okuva ku "Lunaku lw'okulamula olutono" mu mwaka 70 nga yesu amaze okufa**

*Mukwano Andrew,*

Omulamwa gw'ebbaluwa eno leero mukulu nnyo era guwa okuwabula okw'omugaso.

## Ekyatuuka ku Yerusaalemi kirina mugaso ki gye tuli?

Abayigirizwa baabuuza Yesu: ***"Tubuulire bino we biribeererawo n'akabonero ak'okujja kwo bwe kaliba, N'akemirembe gino okuggwaawo?"*** (Matayo 24:3 NKJV )

Mu kibuuzo ekyo ekimu abayigirizwa baabuuza ku bintu bibiri – ku ludda olumu, baabuuza ku kusanyizibwawo kwa Yekaalu ne Yerusaalemi ne ku ludda olualala, ku kujja kwa Yesu okw'okubiri n'enkomerero y'ensi eriddirira. Abayigirizwa baakitwala nti ebintu bino bigenda kutuukawo omulundi gumu. Kye baali bateebereza kyokka kwe kusanyizibwawo kwa Yekaalu yabwe amakula nga bakiteeka ku kujja kwa Yesu okw'okubiri n'enkomerero y'ensi. Leero, tukimanyi nti waliwo emyaka mingi egyawula ebintu bino ebibiri

Kyewuunyisa nti Yesu ekibuuzo yakyanukula mu bujjuvu. Okwanukula kwe kwawandiikibwa mu Matayo 24 ne 25 wamu ne mu ssuula ezifanagana mu Makko 13 ne Lukka 21.

Bwe tusoma, tukiraba nti Yesu tayogera ku kwawula ebiseera ebiri mu makkati w'ebintu bino ebibiri. Ensonga emu enyonnyola ekyo eri nti Yesu yakigenderera obutakalubiiriza bayigirizwa be. Singa yali abagambye yali wakulwayo, kino kyandibamazeemu amaanyi. Naye waliwo ensonga endala: Yesu yalaba okufaanagana kw'ebintu bino ebibiri, ebyavaako okusaanawo kw'ennsi y'abayisirael ng'ensi Katonda gye yalonda n'ebyo ebinaabaawo nga tannakomawo, ebigenda okuvaako enkomerero y'ensi n'okuteekebwawo kw'obwakabaka bwa Katonda. **Yesu mu kunnyonyola yagatta ebintu bino byombi ebibiri.** Bwe yakoona ku ky'okusanyaawo Yerusaalemi, ebigambo bye eby'obunnabbi byakwata ne ku nkomerero y'ensi. Okunyonnyola kwe yakola teyakukola ku lwa bayigirizwa be , wabula mu kiseera kye kimu yali alowooza ku bantu bonna abalibaawo mu nnaku ez'enkomerero y'ebyafaayo by'ensi. Mukama waffe Yesu bye yayogera byalina amakulu mu biseera ebyo ne leero.

* Andrew after the biblical Andrew in John 1:40-42.
e reason – Andrew led his brother Peter to Jesus.

Era kino kyennyini kireeterera okwekeneenya okwanukula ekisikiriza gye tulli. Tusobola okugamba nti mu kifaananyi Yesu kyeyasiiga, Yerusaalemi eri mu kifo eky'okumwanjo, n'okudda kwe okw'okubiri wamu n'enkomerero y'ensi ne bibeera emabega mu kifaananyi. Okugwa kwa Yerusaalemi mu kwogera kiri "olunaku olw'okulamula okutono" eky'okulabirako gye tuli , ffe abali mu biseera eby'enkomerero nga Yesu tanakomawo n'okutuuka ku nkomerero y'ensi. Mu bino tusobola okwegyiramu ebirowoozo eby'omuwendo.

### Ebitunuulibwa

- Abayigirizwa ba Yesu bonna baasobola batya okutuuka awatali bulabe mu budde?
- Lwaki bannaddiini abalala ekitalo kino tekyabataliza?
- Abayudaaya abavumu, baabeerawo batya okumala emyaka esatu mu kikomera ekitanyenyezeka Masada oluvannyuma lw'okusaanawo kwa Yerusaalemi?
- Bayibuli eyogera ki ku lunaku olusinga obukulu mu byafaayo by'ensi – olunaku Yesu lw'agenda okukomawo nate?
- Bisuubizo ki byetulina okuva ewa Katonda ebikwata ku kabaate akajja?

## Obunnabbi bwa Yesu

**Yesu yayogera ki ku biseera bya Yerusaalemi eby'omumaaso?**

Tusobola okukisoma mu Lukka 19:41-44: *"Awo bwe yasembera okumpi n'alaba ekibuga n'akikaabira, ng'agamba nti singa omanyi ku lunaku luno, ggwe, ebigambo eby'emirembe! Naye kaakano bikwekeddwa amaaso go.. Kubanga ennaku zirikujjira, abalabe bo lwe balikuzimbako ekigo, balikwetooloola, balikuzingiza enjuyi zonna, balikusuula wansi, n'abaana bo abali mu nda yo, so tebalikulekamu jinja eriri ku ngulu ku jinja, kubanga tewamanya biro bya kukyalirwa kwo."* (NKJV)

Tweyongera okusoma mu Lukka 21:20-24: *"Naye bwe muliraba Yerusaalemi nga* ***kyetooloddwa*** *eggye, ne mulyoka mutegeera nti okuzikirira kwakyo kunaatera okutuuka. Mu biro ebyo ababanga mu buyudaaya baddukiranga ku nsozi, n'ababanga wakati mu kyo bakifulumangamu n'ababanga mu byalo tebakiyingirangamu. Kubanga ezo ze nnaku ez'okuwalana eggwanga, ebyawandiikibwa byonna biryoke bituukirire. Ziribasanga abaliba n'embuto n'abayonsa mu nnaku ezo! Kubanga waliba okulaba ennaku ennyingi ku nsi n'obusungu eri abantu abo. Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna; ne Yerusaalemi kiririnyirirwa ab'amawanga okutuusa ebiro by'abamawanga lwe birituukirira."* (NKJV)

## Mbeera ki eyaliwo?

**Emyaka nga 30 nga Yesu amaze okufa, kyali kitya mu Yerusaalemi?**

Tumanyi okuva mu Bayibuli ne mu byafaayo – naddala okuva ewa Flavius Josephus ne mu byeyawandiika " Olutalo lw'abayudaaya" - ebintu nga bwe byali mu biseera ebyo. Josephus yabirabako n'amaaso ge. Yali y'akulira amagye g'abayudaaya mu Galiraaya. Oluvvanyuma lw'okukwatiba ng'omuwambe n'okusonyiyibwa yakolanga munnamawulire wab'Abaruumi.

Amaloboozi agekokkola Rome geyongera. Abakambwe n'abayeekera beegattira wamu mu kibiina by'abakambwe. Baabanja awatali kuzikiza okuwerebwa kw'obufuzi obugwiira. Buli omu ku bbo yabeeranga n'ekitala ekimpi mu ngoye ze. Era ne bekyangisa ne batuuze bannabwe. obulumbaganyi ku baakoleranga abaruumi byasaanuula embeera. Mu May 66 nga Yesu amaze okufa, Akeeddiimo kabalukawo.
Abaakolanga n'abaruumi mu Yerusaalemi battibwa. Okwekalakaasa kwasasaanira egwanga lyonna ne Cestius Gallus, omufuzi w'abaruumi mu Syria, yayitibwa ayambeko. Bwe lwatuukiramu September 66 nga Yesu amaze okufa., ye n'eggye lye baali basemberera Yerusaalemi. Amangu ddala ekifo ekipya ekya Yerusaalemi kyali kiwambiddwa era okulwanagana kwanyinnyittira okwetoola Yekaalu. Abayudaaya baalwana mu kuguguba okw'obumaliririvu.

## Akabonero ka Yesu Kaalabika.

**Mu kiseera ekyo Yerusaalemi kyali kisaliddwako amaggye g'abalabe.** Abo ababeeranga mu byalo kyali kyangu gye bali okutoloka. Naye omuntu ng'ali wamu n'abakazi n'abaana abangi, yali ayinza atya okutoloka mu Kibuga ekyetooloddwa? **Yesu akabonero ke yabawa kaali tekasoboka kukolebwa? oba yayogera kintu ekikyamu?**

Josephus Yawandiika: "Cestius (Gallus), Eyalabika nga tamanyi kwekyaawa kw'abo abaali basaliddwako oba n'embeera yaabwe (abantu abawerera ddala baali beetegefu okwabulira ekibuga), amangu ago yalagira amagye ge okudda emabega, yaggwamu essuubi lyonna newankubadde nga tewali kyali kisobye era awatali kwetegereza mbeeera n'ayabulira ekibuga." Abaruumi ne Bagenda. Abakambwe baabagoba era nebabattamu bangi. Mu nnaku zino omunaana, abayigirizwa webaafunira omukisa okutoloka okuva mu Yerusaalemi nga tebafunye kibalemesa kyonna okuva mu bakambwe n'abaruumi. Abakambwe n'abaruumi bayolekera mu bugwa njuba. **Abayigirizwa baddukire wa? Yesu yagamba ki? Eri ensozi! Bali mu buva njuba ng'oyise mu mugga Yolodaani.** Abayigirizwa bonna baasobola okutoloka okugenda mu kibuga kya Pella mu nsozi eziri ku ludda olulala olw'omugga Yolodaani awatali kulemesebwa.

Baatuukayo bulungi. Abaruumi bwe badda, baasooka kuwamba bitundu bya byalo. Naye nebatakwata ebitundu ebiriraanye omugga Yolodaani.

## Nali nsobola okutoloka nabo?

Katutwale akaseera okulowooza ku bayigirizwa mu kiseera ekyo, twebuuze: nanditolose wamu nabo? Okutoloka ekibuga ekizindiddwa, ne bwekiba kisoboka, kyandibadde kya bulabe nnyo. Abaruumi bwe badda emabega, abakristaayo ne batoloka. Kyetaagisa okutoloka mu kiseera nga omulabe avuddewo? Obulabe bwali buvuddewo. Abaruumi nga bavuddewo, tewaaliwo nsonga yonna eyekuusa ku byamagye eyali eyinza okuleetera abantu okutoloka. Abaruumi tebadda mu Yerusaalemi paka nga emyaka ena giyise. Bakivaamu nga October 66 nga Yesu amaze okufa ne batakomawo kukizingako nate paka mu masekkati g'omwaka ogwe 70 nga yesu amaze okufa.

**Lwaki abayigirizwa baatoloka yadde nga ebyo byali bwe bityo?**

Baatoloka kubanga baagondera ekigambo kya Yesu. Baagondera ekigambo kya Yesu ekyali kirabika nga ekitalina makulu, newankubadde nga waali ng'awalabika nga awatali kabi. Okutoloka kyali kitegeeza obutatwala bintu okugyako engoye z'oyambadde n'obuntu bwo obutonotono. Walekangawo amaka go n'ebintu byo byonna by'olina ku nsi.

Baasobola batya okusalawo ekintu ekizibu kityo, nga tewali kabi kona kalabikako? Ekyo kimmattiza nti abakritaayo b'ebiseera ebyo baabeerangawo mu buwulize obujjudde okukkiriza . Ekyo tekyababeerera kizibu kusalawo.

**Baagondera bugondezi kigambo kya Yesu, kubanga baali baamanyiira okumwesiga mu buli kintu.** Abayigirizwa abaatoloka kyokka kye baakola kwekutaasa ***obulamu bwabwe.*** Baafiirwa amaka gaabwe wamu n'ebintu byabwe. Bangi kubbo ebintu byabwe baabigabira ekkanisa. Abantu "abagezi", abaasigala, baasigaza amaka gaabwe n'ebyabwe okumala emyaka ena. Awo oluvvannyuma ne bafiirwa buli kintu nga ***mwotwalidde n'obulamu bwawe.***

Wanditolose? Ntegeeza, wanditolose olw'ekigambo kya Yesu kyoka. Kino osobola okukyesalirawo ng'oyita mu kuddamu ebibuuzo bino:

**Bwe kiba nti ye, Okuyita mu kumwesiga n'okumwagala, ŋŋondera buli kintu kyemanyi okuvamu kigambo kye?**

Omuntu yenna olwaleero atagondera kigambo kya Katonda mu nsonga ezimu oba abeerako ky'alemesa, abeera teyanditolose nabo. Leero bw'oteteekamu empisa ennungi ey'okugondera Yesu mu buli kintu, oli mu kabi akatagambika bwe kituuka mu biseera eby'akazigizigi. Naye Yesu bwe tuyiga okumwesiga n'okumugondera kati mu bireesa eby'emirembe, awo tuba tujja kusalawo bulungi mu biseera ebyakazigizigi.

## Amagezi og'omukwano ...

Yesu yabawa magezi ki agakwata ku kiseera eky'ekiro ekyo: ***"Nammwe musabe ekidduko kyammwe kireme okuba mu biro eby'empewo, newankubadde ku ssabbiiti."*** (Matayo 24:20 NKJV)

Neewuunya bwe baba nga abakristaayo mu biseera ebyo baasaba essala eno nga beekakasa! Mukama yaddamu atya essala yabwe? Okutoloka kw'abayigirizwa okusinziira ku kalenda yaffe, kwaliwo nga 19, October 66 nga Yesu maze okufa. – nga ebiseera by'enkuba bibulako katono okutandika. Enkuba yamutawaana mu Makubo agatali mawunde. Bwe batyo abayigirizwa baasobola okutoloka mu makkati g'omwezi ogw'omunaana. Mu kiseera kino eky'omwaka, ebbugumu teriba lingi nnyo ate nga enkuba eba tennatandika. Omuntu bw'aba wa kutoloka, kino kye kiseera ky'omwaka ekisaanidde okukikoleramu.

## Obutabeera nga baalina okutoloka ku ssabbiiti.

**Kiki ekyatuuka ku kitundu ky'essaala ekiralala?** Abaruumi baava mu Yerusaalemi ku lw'okuna, ogw'omunaana, 16 66 nga Yesu amaze okufa. Yesu yali yabakuutira okutolokerawo. Lwaki tebaatolokerawo? Olw'okutaano lwalina obudde butono nnyo kusobola okutuuka ewala, olw'okuba ssabbiti yatandikanga ku ssaawa nga kumi na bbiri 6pm. Tebaatoloka ku ssabbiiti, wabula baaguminkiriza olunaku okusinziira ku teeka lya Kristo. Baatoloka ku sande, ogw'omunaana nga 19.

Kino kiraga bulungi nti tebaalina kye bamanyi ku kukyuusa kwa ssabbiiti okugyizza ku lunaku olusooka mu wiiki wakati mu kujjukira olunaku lwe yazuukira. Okwongereza kw'ekyo, olw'okuba Yesu yennyini yeyawa ekiragiro kino, kiraga nti kino ssi kye kyaali ekigendererwa kye naye.

Mu kiseera kino abayudaaya baali tebakuuma ssabbiiti. Baakolanga obulumbaganyi n'okulumba okw'amaanyi ku baruumi ku ssabbiiti. Abakrisitaayo bo baakwatanga ssabbiiti, ne mu biseera eby'embeera etali ya bulijjo.

**Lwaki kyali kikulu eri Yesu obutatolokera ku Ssabbiiti?**
Ssabbiiti yateekebwawo Yesu mu kutonda kw'ensi. Eyo ye'nsonga lwaki yeyita Mukama wa Ssabbiiti. Yagituwa ng'ekirabo era nagikuumira mu Mateeka ekumi(Yokaana 1:1-3,14; Makko 2:27-28; Oluberyeberye 2:1-4; Okuva 20:8-11). Ku lunaku luno Katonda yawummula.

Bayibuli tegamba nti yali mukoowu okuwummula ademu amaanyi. Katonda takoowa. Katonda yawummula era awummula okusobola okufuna akaseera ak'enjawulo ak'obubeezi naffe buli wiiki. Era abantu balina okuwummula okuva ku mirimu gyabwe okusobola okubeera mu bubeezi n'omutonzi era omununuzi wabwe, **kubanga obubeezi ne Kristo ye nnanga enyweza obulamu bwaffe**. Ssabbiiti kye kizinga mu guyanja gw'ebiseera, kwetufunira eddembe, essuubi n'okusisinkana Katonda mu buntu. Yesu yakitwala nga kikulu nnyo gyali nti obubeezi buno naye ku ssabbiiti bulina okufunibwa ne mu biseera eby'obutabanguko. Mu biseera eby'obwerariikirivu obw'amaanyi, kikulu nnyo okumanya nti obulamu bwange buli mu mukono gwa Mukama ow'amaanyi, oyo andaga obulungi bwe era gwe nina naye endagaano. Olw'obufunda bw'obudde tujja kuwalirirzibwa okulekayo ensonga za ssabbiiti endala ez'omuwendo.

## Abayigirizwa bonna baawona batya bonna?

**Kyajja kitya nti abayigirizwa ba Yesu bonna baasobola okutuuka awatali kabi mu budde?** Kubanga besiga Yesu era ne bakolera ku bigambo bye. Ekisuubizo kya Katonda eky'ebiseera eby'enkomerero nakyo kyatuukirira gye bali: *" Mukama waffe amanyi okulokola abatya Katonda mu kukemebwa ..."* (2 Peetero 2:9 NKJV)

Osobola okwesigama ku magezi ga Yesu? Eggulu n'ensi biriggwawo, naye ebigambo bya Yesu tebirigweerawo ddala nga tebituukiriziddwa. (Matayo 24:35)

## Kiki ekyatuuka ku balala?

**Kati twagala tulabe ekyatuuka ku bantu, abo abataagoberera biragiro bya Yesu.** Abaruumi tebaalina kigendererwa kwaŋŋanga bayudaaya abaali basituse okulwana. Bwe badda nga wayise omwaka gumu era ne batandika okwera ebitundu bye byalo mu Galiraaya mu 67 nga Yesu amaze okufa. Wakati mu kukola ekyo abantu bonna ab'ebibuga baasaanawo mu lukuba lumu. Abavubuka 6000 baatwalibwa ng'abaddu okuzimba omukutu mu Bukkolinso. Mu 68 Yesu ng'amaze okufa Abaruumi baawamba ekitundutundu eky'omumambuka ky'ennyanja enfu.

Mu kiseera kye kimu, baasaanyawo Qumran. Okutuuka mu kiseera kino abayudaaya baabeeraanga wano. Baasobolanga okukweka amatererero g'ebitabo mu mpuku eziriraanye enyanja enfu nga abaruumi tebannajja. Emizingo gy'empapula egya bayibuli gyasigala gikwekeddwa omwo paka bwe gyazuulibwamu 1946.

**Emizingo gino egyempapula gya Bayibuli egyazuulibwa okuliraana ennyanja enfu gyayogerwako nnyo.** Ekyali ekyenjawulo mu kino kyali nti ebiwandiiko bino byali bisinga obukadde ebyo ebya wandiikibwamu Bayibuli emyaka lukumi, ebyakozesebwa okuvuunula Bayibuli zaffe. Abakugu baawuunikirira. Bayibuli yaffe ekyali ntuufu? Kye bazuula kizaamu amaanyi. Kyakakasibwa nti Bayibuli yaffe ntuufu. Tulina okusiima nti tukyalina ebiwandiiko byennyini ebituufu eby'okukkiriza kwaffe okw'obwa Katonda. Leero tukyasobola okumanya n'okwekakasiza, okwagala kwa Katonda okutuufu nga tetwesigamwe kw'ebyo abantu bye bakyuusizza oba bye banyonnyola.

## Bannaddiini ne basaanawo – Lwaki?

Nga omwaka gwe 70 Nga Yesu Amaze okufa. Tito, omuduumizi w'Abaruumi, eyamala y'afuuka omufuzi, wamu n'abasajja 80,000 baalumba Yerusaalemi. Yesu yagamba: ***"… nababanga mu byalo tebakiyingirangamu.* [Yerusaalemi]."** (Lukka 21:21 NKJV)

Abayigirizwa baagoberera amagezi gano. Beewala okuyingira Yerusaalemi okumala emyaka ena. Kirabika, baandikoleddwako obulabe okuva mu Bakambwe. Abayudaaya abataagondera biragiro bino baakisigalamu n'abantu abaali mu byalo baayingira ekibuga. Yerusaalemi yakubako n'ejjula abantu okuva ewalan'okumpi, abaali bazze okwetaba ku Kijjulo ky'okuyitako ng'ekibuga kyebulunguluddwa. Buli atagoberera Magezi ga Yesu, ajja kufundikira ng'agudde mu kabi.

Bangi ku ffe twagwa mu mitego gy'abannaddiini. Ate oba baali bazze kwetaba ku kijjulo ky'okuyitako. Ekijjulo kino mu kutandika kyateekebwawo Katonda. Naye okuyita mu kufa kwa Yesu, ekigendererwa kyakyo eky'obwaKatonda kyakyigyibwako.

Ekkanisa y'abayudaaya baawanyisa okwagala kwa Katonda nga bayita mu kusomesa okwabantu n'amatendekero. N'emyaka egiwerako nga bino tebinabaawo Yesu yabagamba: *"…abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa, Naye emitima gyabwe gindi wala. Naye bansinziza bwerere, nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata. Muleka etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bw'abantu…."* (Mark 7:6-8 NKJV )

Yesu yakirambika bulungi bwe yali abuulira enjiri ku Lusozi nti tekirina mugaso okubeera n'eddiini nga tolina buwurize bwa kukkiriza.

Yagamba: *"Bangi baliŋŋamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatulira nti 'sibamanyangako mmwe: Muve wendi mwenna abakola eby'obujeemu.!'"* (Matayo 7:22-23 NKJV )

Abakkiriza abatuufu baali baayitibwa Yesu n'abatume okuva mu kkanisa y'abayudaaya, eyo eyali tekyakola kwagala kwa Katonda. Okulaba kino, kikulu nnyo okusobola okutegeera nti abantu **ab'eddiini** tebalirokolebwa, okujjako abo **abeesiga era abagoberera** Yesu Kristo n'ekigambo kya Katonda.

Katonda yali agyewo omukono gwe omukuumi ku kibuga Yerusaalemi. Eky'omukisa omubi Abayudaaya baali tebakozesezza mukisa ogw'ekisa eky'ebyasa Katonda kye yabateerawo.(Danyeri 9:25; 70 omwaka - wiiki = emyaka 490 ).

Oluvvanyuma ennyo waaliwo enkomerero y'ekisa. Katonda mu kwagala kwe ayagala okulokola. Yesu yali yakaabira Yerusaalemi era n'abagamba: *"…Emirundi emeka gye nnayagalira ddala okukuŋŋanya abaana bo, ng'enkoko bw'ekuŋŋanya obwana bwayo munda w'ebiwawaatiro byayo,* ***ne mutayagala!*** (Matayo23,37 NKJV)

Tewali kubeera na ddiini kuyamba, ng'omuntu takola kwagala kwa Katonda. Okutwaliza awamu, guno gwe mutawaana gw'ebiseera bwaffe.

## Okugyibwako ekisa kya Katonda n'ebikivaamu

**Kiki ekyatuukawo mu Yerusaalemi ng'omukono gwa Katonda omukuumi gugyiddwawo?**

Ebintu ebyentiisa byatuukawo. Mwezi ku mwezi, okulwana okulumba Yerusaalemi kweyongera okusasaana. Tito emirundi mingi yasaba abayudaaya bawanike, kuba yali tayagala kusaanyawo kibuga ne Yekaalu. Naye baagaana. Ebyaddirira, Tito yalagira eggye lye mu bukambwe okubabetenta. Oyo yenna, eyatolokanga okuva mu Yerusaalemi mu kiro n'akwatibwa, baamukomeranga ku musaalaba. Buli lunaku abantu nga 500 be baakomererwanga. Emisaalaba gyakola ekibira wonna okwetoolola Yerusaalemi. Emiti gyamala kuggwaawo, Abaruumi ne balyoka balekera okukomerera abantu ku misaalaba.

Okutangira abatoloka okuva mu Yelusaalemi n'okuyingiza ebikozesebwa abantu mu bulamu obwabulijjo, Tito Yazimba olugo n'aluteekako olunyiriri lw'abakuumi wonna okwetoolola ekibuga.
Yesu yali yalagula ki: *"Kubanga ennaku zirikujjira, abalabe bo lwe balikuzimbako ekigo, balikwetooloola, balikuzingiza enjuyi zonna, balikusuula wansi, n'abaana bo abali mu nda yo; so tebalikulekamu jjinja eriri kungulu ku jjinja; kubanga tewamanya biro bya kukyalira kwo."* (Lukka 19:43-44 NKJV )

Enjala yagwa mu kibuka. Abantu bangi baafa enjala. Mu myezi esatu abayudaaya baafulumya emirambo 115,800 mu nzigi z'ekibuga okugiziika. Naye nga tebayagala kuwanika kwewaayo. Amangu ddala nga bafunye ekintu kyonna ekiriibwa, okulwanagana okw'amaanyi kwe kwaddiriranga. Baalya emisipi gyabwe, engatto, omuddo gw'ente ogwakala edda …..n'abaana. Yesu kino yali yakiranga: *"Ziribasanga abaliba n'embuto n'abayonsa mu nnaku ezo!!"* (Lukka 21:23 NKJV )

Abantu bye bakola nga Mwoyo wa Katonda abagyiddwamu bitiisa. Olugero lugamba:
'Obuntu obutaliimu bwa Katonda buleeta olusolosolo .'
Ekyo kitegeeza ebikolwa ebitakoleddwa buyinza bwa Katonda bivaamu eneeyisa nga ey'ensolo. Omuntu alekebwa ku lulwe era asobola okukola ekintu kyonna. Mu kugattako, abeera mwangu okukkiririza mu bitaliiyo n'emizimu. "obusungu bwa Katonda" bulagibwa Katonda bw'ava mu muntu addiŋŋanye okuvvoola ekisa kye.

Bangi era baagezaako okutoloka mu kiro okwewonya okufa enja mu Yerusaalemi. Baakwatibwa amaggye ga nakyewa ag'Abaruumi, agaali gawulidde nti abatolosi baali bamize zaabu n'amayinja ag'omuwendo waleme kubaawo muntu agatwala. Na bwekityo baababaaganga embuto – mu kiro kimu baabaaga abantu 2000. Titus kyamunyiiza. Abo bonna abakakasibwa nti baakikola nabo yalagira ne battibwa. Naye ebikolwa eby'obukambwe byeyongera.

Abaruumi baalumbanga Yerusaalemi awatali kuddiriza era nebakiwamba katundu ku katundu. Tito abayudaaya yabawa akakisa akalala okusobola okutaasa Yekaalu. Baagaana. Tito yalagira nti Yekaalu bagitalize. Naye abasirikale abaali abasunguwavu

ebyo baabisuula muguluka ne bagiysuulamu omumuli gw'omuliro. Tito n'alagira gugyibwemu, naye mpaawo yamuwuliriza.

Baasanjaga ne banyagulula. Oluvvanyuma, Tito yalagira nti Yekaalu eyayokeddwa emenyebwe. Abasirikale ekyo baakikola bulungi nnyo. ebbugumu ly'omuliro lyasaanuusa zaabu naakulukutira mu ttaka, era ne basimanemu ttaka. Kale, ebyo nga biyise Tito omudomiite yasobola okulima mu kyali ekizimbe kya Yekaalu

Yesu yayogera ki ku kizimbe kya Yekaalu: *"laba! Ennyumba yammwe ebalekeddwa kifulukwa ..." „Mazima mbagamba nti tewalisigala wano jjinja eriri kungulu ku jjinja eritalisuulibwa wansi."* (Matayo 23:38 ne 24:2 NKJV)

Leero abantu bangi tebafaayo ku kiki Katonda ky'agamba. Naye buli kimu bannabbi ba Katonda kye baalanga kijja kutuukirira.

Abantu abasukka mu kakadde kamu batokomokeramu lutalo lwa Bayudaaya luno. 97,000 baawambibwa ne batwaliibwa mu buddu. Ku bano, 11,000 mu kaseera akatono baafa enjala, tebaabawerawo mmere. Abamu ku basajja abasukka emyaka 17 baasindikibwa mu birombe bya zaabu mu Missiri. Abasigaddewo baasasanyizibwa mu matwaale g'abaruumi okufiira mu mizanyo mwe balwanagananga n'ensolo oba n'ebitala.
Abaddu Abayudaaya abakunukkiriza mu 2000 be baafanga mu "buli luzannya". **Tewali kibuga kyali kituuse ku kyambika nga Yerusaalemi kyeyatuukako. Mu mazima, kye eky'okulabirako eky'enkomerero y'ensi.**

Yesu yalagula ki: *"Balittibwa n'obwogi bw'ebitala, balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna; ne mu Yerusaalemi kiririnyirirwa ab'amawanga..."* (Lukka 21:24 NKJV)

**Lwaki abantu bannaddiini bangi baatusibwa ku kino?**

Kubanga tebeesiga Yesu era tebaagoberera bigambo. Battibwa ebitala, enjala, baakomererwa, beetuga n'okukola obuddu. Yesu yawa ensonga: "Naye tewayagala". (Mattayo 23:37 NKJV)

## Kiki ekyatuuka ku Bakambwe?

Yerusaalemi we baagisaanyizaawo olutalo lwali terunnaggwa. Abamu ku bakambwe abasinga obutatya, baasobola okutoloka nebatuuka mu Lubiri olunywevu olwayitibwanga Masada, lwe baali bawambye ku Baruumi mu lulumba olw'amangu mu 66 nga Yesu amaze okufa. Lwaddamu okuzuulibwa mu kyasa ekyasembayo era ne luziikulwa ekitundu ekisinga obunene mu 1963.

**Kiki ekyatuuka kw'abo abakambwe abeesiga okuguguba n'amaanyi gaabwe?**

Kiki ekyatuuka ku Lubiri olunywevu?
OMuduumizi w'Abaruumi Flavius Silva yalwebungululа n'abasajja 10,000, olubiri lunno luli ku lwazi olunene, nga ebisenge byalwo byambuka busimbalaala. Lwakolebwa nga lufaaanana ng'emmeeri enene. Waggulu walwo watereevu era baali basobola n'okulimirako. Baalina eby'okukozesa ebimala okumala emyaka mingi.
Abaruumi baazimba ekigo kya buwanvu bwa 3.5 km okwetoloola olubiri

lwonna nga teli asobola kuyingira yadde okufuluma. Ku ludda olw'obugwa njuba bw'olwazi, awaali wasinga okubeera wansi, kyabatwalira emyaka ebiri okuzimbawo ekigo. Mu bugazi nga bwa mita 200. Baasobola okusitula ekitandaalo eky'okulumbirako. Kino kyabasobozesa okubotola ekituli mu kisenge. Ku ntandikwa y'omwezi ogw'okutaano mu mwaka gwa 73 nga Yesu amaze okufa., Baali bamaliriza enteekateeka zonna okulumba olubiri. Ku makya nga 2 og'wokutaano, 71 nga Yesu amaze okufa. Abaruumi baalina okuba nga baatandise okulumba. Abaruumi amagye ge baalinawo awo gaali gakubisaamu Abayudaaya abaali mu lubiri emirundi kumi.

Abantu abaali bebunguluddwa bakiraba nga embeera yabwe yali tewa ssuubi.

Mu kiro ekyo, eyali akulira olubiri yayogerako gye bali: ekyasimbibwako mu kwogera kwe kyali nti okufa kusinga obuddu. 'Katonda atwabulidde!' Leka twette ffe kennyini. Oluvvanyuma lw'okwogera okw'omulundi ogw'okubiri baamalirira okukikola. Baalinga abagudde eddalu. Okusooka, abasajja batta bakazi baabwe n'abaana. Awo ne balondamu amasajja 10, abaalina okutta abasigadde. Abasajja bano baakuba akalulu kw'ani anatta banne abalala omwenda. Eyali ow'okusembayo yali alina okwokya ebizimbe byonna n'oluvvanyuma yetunge ku kitala kye.

Abaruumi we baalumbira olubiri, baasanga ebizimbe nga biteta n'emirambo 960. Olwaleero, Masada kye kifo, abawaandiikibwa mu magye ga Israel we bakubira ebirayiro. Abayisrael balaba abantu 960 abaalwanirira olubiri lwe Masada nga eky'okulabirako kyabwe.

Abantu abo 960 baali abantu abatalina ssanyu, abeesanga mu mbeera ey'okusoberwa okwentiisa, eyabajugumiza. Baali bakoseddwa ebiroowoozo byabwe wamu n'okwesiga obusobozi bwabwe.

**Kiki ebyatuuka kuw'abo abakambwe?**

Baakwatibwa ekitengo ne betta.

## Ani avunaanyizibwa ennaku eno ?

Yesu yagamba: *"...Kubanga temwamanya lunaku lwa kukyalirwa kwammwe."* (Lukka 19:44 NKJV) ne *"... Emirundi emeka ddala gyenayagalira okukuŋŋaanya abaana bo, ng'enkoko bwekuŋŋaanya obwana bwayo munda w'ebiwawatiro byayo, ne mutayagala! Laba, ennyumba yammwe ebalekeddwa kifulukwa."* (Matayo 23:37-38 NKJV)

Katonda yakola buli kye yali asobola mu kwagala kwe okungi n'amaanyi ge okubakuuma obutatuuka ku kibambulira kino naye baali tebaagala. Katonda waffe ow'ekisa era ow'amaanyi, oyo Katonda ow'okwagala, okusalawo kwaffe akusaamu ekitiibwa, nebwekuba kumunakuwaza, kubanga amanya ebiva mu makubo amakyamu nga tebinatuukawo. Katonda bw'atwabulira olw'okusalawo kwaffe era n'aturekera ddala ku busobozi bwaffe, tuba tuli mu kabi ak'amaanyi.

Okuva yekaalu lwe Yasaanawo, abagenyi bangi abagenda e Yerusaalemi babuuza ekibuuzo. Katonda ekibuuzo kino yakibuuza dda emyaka enkumi n'enkumi era okuddamu n'akuwa Sulemaani: *"... Kiki ekikozesa bwe kityo Mukama ensi eno n'ennyumba eno ... Kubanga baaleka Mukama Katonda wa bajjajja baabwe."* (2 Ebyomumirembe 7:21-22 NKJV)

Leero Kabonero ki akakulu eri ffe? Mu biseera biri kwali kulumbibwa magye. akabonero kaffe ly'etteeka lya Sande, erigenda okuyisibwa mu Amerika ( U.S.A.)

## Okujja okw'okubiri kunaaletawo ki?

**Bayibuli eyogeraki ku lunaku olusinga obukulu mu byafaayo by'ensi – olunaku Yesu lw'alikomawo?**

Ebibiina bibiri byokka eby'abantu bye bigenda okubeerawo (tugwa mu kimu oba mu kirala). "*Mu biro ebyo abasajja babiri baliba mu kyalo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa. Abakazi babiri baliba nga basa ku lubengo, omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa."* (Matayo 24:40-41 NKJV )

*" Awo Kabaka aligamba abali ku Mukono gwe ogwa ddyo nti mujje, mmwe kitange be yawa omukisa, musikire obw'akabaka obwabateekerwa teekeekerwa okuva ku kutonda ensi.'"* (Matayo 25:34 NKJV)

Kiki ekigenda okutuuka ku balala? *"Naye ggulu erya kaakano n'ensi olw'ekigambo ekyo biterekeddwa omuliro, nga bikuumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango n'okuzuukira kw'abantu abatatya Katonda ..."*

*"Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi; eggulu lwe lirivaawo n'okuwuuma okunene n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi, n'ensi n'ebikolwa ebigirimu birisirikka. Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde kubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda"* (2 Peetero 3:7,10-11 NKJV)

Okukomawo kwa Yesu kwawula abantu bonna mu bibiina bibiri: abo abeesiga Yesu mu buli kintu era abamugoberera, bafuna obwakabaka bwa Katonda; eri abalala y'enkomerero y'ensi.

## Ekisuubizo eky'akatyabaga

**Bisuubizo ki bye tulina okuva ewa Katonda ebikwata ku katyabaga akajja?**

*" Mukama waffe amanyi okulokola abatya Katonda mu kukemebwa…"* (2 Peetero 2:9 NKJV )

Ebiseera ebyo yali ataasizza abayigiriza, abo abaamusaamu ekitiibwa nga bamwesiga n'okumugondera.

## Lwaki ekyo ky'eky'okusalawo ekitwolekezeddwa?

**Lwaki tulina okukola okusalawo kuno?**

Bayibuli egamba: *"okunoonya k'okusembeza okujja kw'olunaku lwa Katonda, ku kw'okuba lwo, eggulu lilisaanuusibwa, okwetegekera and ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo? Naye nga bwe yasuubiza tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula."* (2 Peetero 3:12-13 NKJV)

OKukomawo kwa Yesu nga kukwataganidde wamu n'enkomerero y'ensi bijja kujja, ennaku yonna ku nsi – obulwadde, obulumi, okubonaabona, okufa – bijja kukoma (okubikkulirwa 21:3-4).

Kino nga kiwedde ensi yonna ejja kufugibwa kwagala kwa Katonda kwokka nate. Katonda ajja kutonda eggulu n'ensi ebipya.

## Mu bino nzigyamu ki?

Eri abangi kijja kuba ky'ekimu nga Kabaka eyattibwa: Mu nsawo zebaasangamu ebbaluwa. Teyabikkulwa yadde okusomebwa. Omuwandiisi w'ebbaluwa yali ayagala kulabula Kabaka ku lukwe olw'okumutemula. Ebbaluwa eyo yali esobola okutaasa obulamu bwa Kabaka, naye n'okugisoma teyagisoma.

Katonda naye atuwandikiidde ebbaluwa. Tugisomye era ebigirimu tubikutte? Katonda abaddenga alabula abantu ku kulamula okujja.

Abo abeesiga obubaka bwe obw'okulabula era abaagondera amateeka ge okusinziira ku kwagala kwe, baakuumibwa obutakyalirwa ebyo ebyagwa kubajeemu n'abatakkiriza.

Munnansi wa Amerika yatumya ekyuma ekipima embuyaga okuva mu Kampuni mwebalagaririza eby'amaguzi. Yamutuusibwako mu gwomwenda nga 12, 1938. Bwe yagigya mu kasaanduuke kayo, akayiso kayo kaasonga ku "muyaga". Amangu ago yakizuulirawo nti waliwo ekikyaamu ku kyuma kino. Butereevu, agizaamu n'agisiba mu kabokisi kayo era nagisindika okuddayo. Tuyinza okumanya ekyaddako? Olunaku olwo lwennyini omuyaga gwatwala ennyumba ye. Tuneesiga okulanga kwa MukamaYesu? Tunaagonda era ne tulokolebwa oba tunakkiriza nti kino ekyuma, Bayibuli, tekyesigika, na bwekityo tweweeyo eri okufiirwa obulamu obutaggwaawo.
Yesu atuwadde okulabula okumala, tuleme okuboonaboona n'akatyabaga akajja ku nkomerero y'ensi, wabula tufune obulamu obutaggwaawo mu kitiibwa ky'okwakayakana kw'ekitiibwa ky'obwakabaka bwa Katonda. Abo abaakwata okulabula kwa Yesu tebetaaga kweraliikirira ku bijja mu maaso.

## Mu bino nzigyamu ki?

Nsobola okugamba nti nakola okusalawo kuno bwe nnali nina emyaka 36. Wiiki emu nga sinakola kusalawo kuno, nafuna okusoberwa munda mu nze. Oluvvanyuma ne kinzijira nti, tewali bulabe bwonna obulamu bwange bwe mbwesigisa Katonda ow'okwagala okw'olubeerera. Ndi mumativu olw'okukola okusalawo kuno gyali ebiseera ebyo. Okusalawo kuno sikwejjusangako, wabula nsanyukira olunaku luno. Nebaza Mukama nti ampadde obulamu obulimu omukisa ng'omugoberezi we. **Tulinalunaku lwa leelo lwokka okukozesa.** Tulukozese.

Ebiseera ebitali biwanvu ebiyise, nasoma ku kintu kino ekyagwaawo: Ennyonyi yali ekkirira wansi mu kusembayo esobole okutakawala ku kisaawe kyennyonyi. Okuwugukamu okutono kwa digiri ssatu kwaleeta akabaate, omwafiira abantu 95 mu busikonda butono nnyo obwali bubulayo okutereera ku kisaawe. Bu digiri busatu bwokka – obutamala nga kubwogera, naye bwali bumala okusaanyawo obulamu bw'abantu abangi.

Naffe tuli mu lugendo. Ekiruubirirwa ekisinga obukulu ye Katonda n'obwakabaka bwe. Engeri yokka gye tujja okubutuukakako, kwe kusigala ku "mugendo" oba, bwe kiba kyetaagisa, okutereeza entambula yaffe. Eno ye nsonga lwaki twetaaga obubeezi bwa Mukama buli lunaku , buli wiiki . mu ngeri eno yokka obulamu bwaffe mwe bunaakuumibwa okuva mu katyabaga akalindiridde. **Twetegekedde olukkirira olusembayo?** Mu bbaluwa eri Andrew enaddirira, ojja kuyiga ebisingawo ku bubonero obwebiseera biri ne Leelo. Yesu yagamba: *Bwe mulaba ebigambo ebyo byonna, **mutegeere nti** ali kumpi - ku luggi!"* (Matayo 24:33 NKJV )

Nsuubira nti osobola okutuuka ku Lunaku lwa Katonda olw'amaanyi mu ssanyu n'okwekkiririzaamu. Era osobole okufuula okusaba mu ssala ya Mukama waafe okukwo: "leka obwakabaka bwo bujje."

**Biki ebinajja mu maaso? Awali Yesu – obulamu obutaggwaawo. W'atali – ennaku ennyingi.**

Mukwano Andrew, Nsuubira nti onookola okusalawo ku Yesu n'ekigambo kya Katonda okutuufu.

Okulamusa okw'essanyu ,

*Helmut*

Ebikwata ku kulagiriza
Kampala….